



HARM REDUCTION
INTERNATIONAL

UHRN



Alipoota ekwata ku kunoonyereza ku buyambi/ ensimbi eziteekebwa mu pulogulamu ya “harm reduction” mu Uganda

**Omwezi ogw`okusatu
omwaka 2021**

With Support from

**HARM REDUCTION
INTERNATIONAL**

Obubaka obwebaza

Ekitongole kya Uganda Harm Reduction Network kituusa okwebaza kwabwe eri buli kinnomu eyateeka etofaali mu kunoonyereza kuno. Tutuusa okwebaza kwaffe eri Harm Reduction International olwokuvugirira ensimbi okunoonyereza kuno.

Enteekateeka y`okunonyereza kuno yakulirwa ekitongole kya UHRN, abantu abakozesa ebiragala lagala, ebitongole ebyenjawulo ebituusa obuyambi ku bantu abakozesa ebiragalalagala. Tetulema kwebaza bitingole bino wamanga; minisitule y`ebyobulamu, ekitongole ekitabaganya emirimu egituusa obuyambi ku bantu abawangaala n`akawuka ka mukenya ekya Uganda AIDS Commissions, Uganda Police, eddwaliro lya Butabika, ekitongole kya IDI, MARPI, ekitongole bya mawanga amagatte ki UNAIDS, wamu n`ebibiina ebikola emirimu egy`obwanakyewa.

Kuno tuteekako n`omukunganya w`ebyazuulibwa omukulu Bharam Namanya wamu n`abakozi ba Uganda Harm Reduction Network.

Tulina essuubi ddene nti ebivudde mu kunoonyereza kuno biggya kuyamba okutuusa eddoboozi ku bantu abenjawulo abasobola okutuusa obuvunaanyizibwa bwabwe mu kuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala mu Uganda.

Nze

.....
Wamala Twaibu
Omukulu wa Uganda Harm Reduction Network

Contents

| | |
|--|-----------|
| Obubaka obwebaza | II |
| Alipoota mu bufunze..... | IV |
| ENYANJULA..... | 7 |
| 1.0 Gyenvudde w`okunonyereza kuno..... | 7 |
| Ekigendererwa ky`okunnoonyereza kuno..... | 7 |
| Enkola eyayitibwamu okukola okunnonyereza kuno..... | 8 |
| 1.6.1 Enkola gyetwayitamu mu kunoonyereza kuno..... | 8 |
| 1.6.2 Enkola gyetwayitamu mu kunoonyereza kuno..... | 8 |
| EBYAVA MU KUNOONYEREZA KUNO..... | 9 |
| 2.1 Obubaka obwawamu..... | 9 |
| 2.2 Embeera y`abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda..... | 10 |
| 2.3 Ebifa ku bugabirizi bw`ensimbi mu pulogulamu y`abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda..... | 12 |
| 2.4 obuyambi bwa pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala gye buva..... | 14 |
| 2.5 okusomozebwा okuli mu pulogulamu eziyamba abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda..... | 17 |
| ENGERI COVID-19 GYEYAKOSA MU OKUTTUUSA OBUYAMBI KU BANTU ABAKOZESA EBIRAGALALAGALA..... | 19 |
| 3.0: Bino wansi bitutotolera engeri COVID-19 gyeyakosa mu okuttusa obuyambi ku bantu abakozesa ebiragalalagala..... | 19 |
| 3.1 Okusomozebwा kukutuusa obujanjabi ku bantu abakozesa ebiragalalagala..... | 19 |
| 3.2 Okusomozebwा kw`ensasanya ku buyambi bw`ebyobulamu eri abantu abakozesa ebiragalalagala | 22 |
| 3.2.1 Okusomozebwा mu kufuna obuyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala..... | 22 |
| 3.2.2 Okusomozebwा kw`ensasanya ku buyambi bw`ebyobulamu eri abantu 24 abakozesa ebiragalalagala..... | 24 |
| 3.3 Ebintu ebyateekewa wo okulaba nga obuyambi busigala butuuka ku bantu abakozesa ebiragalalagala..... | 24 |
| 3.4 Engeri abantu abakozesa ebiragalalagala gyebenyigira mu bibiina okulondoola amateeka okwekuuma COVID-19 | 24 |
| 3.5 Ebibiina eby`ennyigira mu ku lwanirira eddembe ly`abantu abakozesa ebiragalalagala..... | 25 |
| 3.6 Engeri COVID-19 gyeyakosa mu abakozi..... | 25 |
| 3.7 Ebintu eby`asabibwa okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala okuvunnuka embeera ya COVID-19..... | 25 |
| Ebintu Ebikulu Ebirina Okuteekewa Mu Nkola | 26 |

Alipoota mu bufunze

Alipoota eno ekutuusaako ebivudde mu kunonyereza ku bikwata mu kuvugirira obuyambi mu pulogulamu eziriwo okuyamba abantu abakosedwa okukozesa ebiragalalagala mu Uganda. Okunoonyereza kuno kwakolebwa ekitongole kya Uganda Harm Reduction Network n'obuyambi okuva mu Harm Reduction International. Ekgendererwa ky'okunoonyereza kuno kyalilimba kumanya obuyambi bwenkana ki obuteekebwa mu pulogulamu za bantu abakosedwa ebiragalalagala okuviira dala mu mwaka gwa 2017-2019 wamu n'engeri akawuka ka ssenyiga omukambwe (COVID-19) gyeyakosamu pulogulamu eziyamba abakosedwa ebiragalalagala mu mwaka 2020.

Okunoonyereza kuno kwenyigira mu abantu, ebitongole okuva mu biti ebyenjawulo eby'obwanakyewa wamu n'ebitongole bya gavumenti nga kuno kwossa n'abavugirizi bobuyambi.

Ebyazuulibwa mu kunonyereza kuno

Table

Obuyambi bwonna mu pulogulamu eziyamba abantu abakosedwa ebiragalalagala kyazulibwa nti buva mu bitongole ebivugirira obuyambi nebuwebwa ebitongole ebyenjawulo mu Uganda. Tewali buyambi bwonna obutekedwawo ensako yagavumenti nga buttuusa obuyambi ku bantu abakosedwa ebiragalalagala. Dola za America 370,237 zezateekebwa mu pulogulamu eno mu mwaka gwa 2019, ate dola 244,464 zezateekebwa mu pulogulamu eziyamba abantu abakosedwa ebiragalalagala mu mwaka 2018 ate mumwaka 2017 dola 201,317 zezasaasanyizibwa mu pulogulamu eziyamba abantu abakosedwa ebiragalalagala. Era okunonyereza kulaga nti obuyambi buno bugenze bulinnya okusinziira ku myaka bwezigye geydiringana. Ensimbi zaasinga nnyo kuteekebwa mu kusomesa bantu ku pulogulamu eziyamba abakosedwa ebiragalalagala nga mu kino ekyasinga okuvaamu kwe kuba nga abantu abakosedwa ebiragalalagala baateekebwa mu nteekateeka enkulu eteekateeka pulogulamu y'abalina akawuka ka mukenenny. Wadde nga tewaliwo nteekateeka ya ggwanga eriwo okuyamba abakosedwa ebiragalalagala.

Enkola endala ebunnye eggwanga ye'y'okudabiriza abalina akawuka ka sirimu wamu n'okubawa obuyambi. Nga eno pulogulamu n'abantu abakozesa ebiragalalagala bagiganyidwamu.

Okunoonyereza kwakizudde nti abakozesa ebiragalalagala mu Kampala ne Wakiso Enkola endala ye'y'okugaba empiso wamu nebompa eri abo abeekupa ebiragalalagala n'empiso. Abantu era baganyirwa munkola ekendeeda okuwankawanka okukozosa ebiragalalagala. Abaganyirwa mu nteekateeka eno beebo ababeera mu Kampala and Wakiso.

Wewaawo kyazulibwa nti ne mumakomera agenjawulo mulimu abantu bangi abatasobola ku beerawo nga tebakozeseza biragalalagala, enteekateeka ezenjawulo eziriwo okuyamba abakozesa ebiragalalagala teziriyo mu bifo bino kubanga okukozesa ebiragalalagala gukyatwalibwa nga nusango gwannagomola wabula tebakyekuusa ku bya bulamu.

Enteekateeka zino zonna, tezirina buyambi bwonna kuva mu gavumenti ya Uganda okuggyako abagabirizi b'obuyambi okuva mu mawanga g'ebweru.

Okunonyereza kwalaga nga waali tewanaba kunonyereza kwonna okwali kukoleddwa nga kukwatta ku nsimbi eziteekebwa mu pulogulamu z'abantu abatasobola kubaawo nga tebakozeseza biragalalagala. Era nga kuno okunoonyereza kuno kwekusookedde ddala.

Okunoonyereza kuno era kwalaga nti, ssenyiga omukadde owa COVID-19 yakossanyo abantu abakozesa ebiragalalagala okwetoolola eggwanga. Omuggalo wamu n'aba poliisi okukwata n'okuggalira abo abaali tebattukiriza misoso ggya kwewala bulwadde bwa ssenyiga omukambwe ono byalemme nnyo abantu abakozesa ebiragalalagala okuffuna eby'obulamu nga eddagala eriweeweza akawuka ka muknenanya, eddagala ly'endwaddwe z'ekikaba wamu n'okufuna empiso n'ebomba empya ezikozesebwa okwekuba ebiragalalagala.

Entabula y'olukale bwewaggulwa wo, ebissale byakusibwamu olwembeera y'entambula y'olukale era kino kyazibuwalira nnyo abantu abakozesa ebiragalalagala okutuuka mu bifo webasobola okufuna eby'obujjanjabi oba obuyambi bwonna.

Embeera ya COVID-19 yaleetawo okutaganyizibwa kungi mu kufuna obujjanjabi bw'endwadde ezekizaala gumba wamu n'okufuna eddagala eriweweza akawuka akaleeta mukkenanya olw'embeera y'entambula y'olukale, era kino kyaleetera bangi okulekera awo okumira eddaggala. Ekyennyamiza nti gavumenti obuufu yabuteeka ku kulwanyisa sseyiga omukambwe.

Eddaggala nalyo lyabuliraddala mu bifo ebibudabudibwamu abantu abakozesa ebiragalalagala nga ate bawangala n'akawuka ka sirimu.

Okunonyereza era kulaga nti okuvvola eddembe ly'obuntu kwayitiria eri abantu abakozesa ebiragalalagala, mu kino mwalimu abantu okusibwa awatali musango wamu ne police okumaamira ebifo abantu abakozesa ebiragalalagala gye bawangalira.

Olw'okukandaliriza emisango mu makooti egassibwa ku bantu abakozesa ebiragalalagala eri police, emisango gy'eyongera nnyo okubeera emingi era nekileetera abantu abakozesa ebiragalalagala nga basibwa okukandaalirira mu makomera.

Olw'okubeera nga ebisale byakubisibwamu emirundi esatu, kino ky'akosa nnyo ennyingiza n'ensaasanya y'abantu abakozesa ebiragalalagala wadde nga okunoonyereza kuno tekwasobola kulaga butya buli muntu bwewakosebwamu mu bigambo byebyenfunu.

Nga emu kunkola eyokuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala n'okusingira ddala abo abawangala n'akawuka ka mukennenya, UHRN yaggula obuggali era newa buli muntu akola ogwanakyewa mu bantu abakozesa ebiragalalagala okusobola okutuusa obujjanjabi ku bantu abakozesa ebiragalalagala n'okusingira ddala abo abawangala n'akawuka ka mukkenanya. Era kuno yateekawo nakinja akabantu abatono okusobola okulondoola era okutuuka amangu okuyamba abo abantu abakozesa ebiragalalagala naye nga eddembe lyabwe lityoboddwa.

Nga enkola y'okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala okusigala nga bafuna obuyambi, abasawo baatandika okukozesa enkola ey'omutimbagano okutabagana naabo abetaaga obuyambi. Mukino baagunja wo enkola ey'okutwalira abantu eddagala mu nnyumba zaabwe nga bakozesa obgaali wamu n'okukozesa bannakyewa abaggwa muttuluba erimu n'abo abakozesa ebiragalalagala okutwala eddagala lyabwe, wamu n'ebiekizaala gumba.

Okuwumba wumba:

Ebyava mu kunoonyereza kuno biraga nti mumwaka 2017-2019, pulogulamu eziyamba abantu abakozesa ebiragalalagala zayongerwako okuteekebwamu ensimbi bw'ogeerageeranya n'emyaka eggyiyise. Obuyambi bwonna bwava mu bagabirizi b'obuyambi okuva mawanga g'ebweru. Wano mu Yuganda tewali buyambi bwonna okuva mugavumenti bwateekebwa mu

pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala. Wabaddewo okweyongera ku kuzuula abo abalina akawuka akaleeta mukennenya mu abo abakozesa ebiragalalagala. Kyoka okujja kwa ssenyiga omukambwe nga kuno kw'ottadde n'ebyo ebyassibwawo okutangira okusasaana kwa ssennyiga ono bikoseza nnyo obuwanguzi bunno kubanga enkola z'okutangira okusaasanya akawuka ka kolona ziremeseza abantu okufuna eddagala.

Bino bye bimu ku bisobola okukolebwa okulaba nga tugonjoola ebimu ku bizibu ebiruma abantu abakozesa ebiragalalagala:

- a. Gavumenti ya Yuganda erina okukkiriza pulogulamu eziyaba abantu abakozesa ebiragalalagala ku banga abantu abakozesa ebiralagalagala byeyongedde nnyo mu Yuganda. Ku kino okukituuka ko, kyetaaga okulegesa mu ku mateeka agakwasisa abantu abakozesa ebiragalalagala wamu n'okuvugirira ensimbi pulogulamu zino nga ey'empiso wamu n'eyeddagala erikkakannya abantu okuyaayanira okukozesa ebiragalalagala.
- b. Twetaaga okulongoosamu ku teeka erikwasisa abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda.
- c. Twongere okukuba pokopoko n'okuseketerera abakugu abakola amateeka mu Yuganda okulaba nga bakola eteeka lya abantu abatabufu b'omutwe.
- d. Tukole okunoonyereza ku bantu abakozesa ebiragalalagala okusobola okufuna ensonga namutaayika zetunnasinzira ko okutuusa eddoboozi okusaba obuyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala. Twetaaga n'okumanya akawuka ka mukkennenya bwe kayimiridde mu bantu abakozesa ebiragalalagala.
- e. Twetaaga okukola okunonyereza okuzuula oba nga waliwo ensimbi enddala zonna eziteekewa mu pulogulamu eziyamba abantu abakozesa ebiragalalagala nga zinno ziva mu nsawo etali wabweru w'ekitongole.
- f. Tulina okwongezaamu ku pokopoko wamu n'okukwanaganya ebibiina eby'obwanakyewa okusobola okuggusa ensonga eri gavumenti wamu n'abavugirizi b'obuyambi basobole okuwagira enteekateeka z'abantu abakozesa ebiragalalagala. Kino tusobola okukituukako nga tuteesewo ebibiina ebigatta abantu abakozesa ebiralagalalagala
- g. Twetaaga okusomesa aba polisi, abakola amateeka wamu n'abantu b'omukitunddu okusobola okuteegera pulogulamu eziyamba abo abakozesesa ebiragalala
- h. Twetaaga okuteekawo n'okuwandiisa ebibiina ebigata gavumenti wamu n'ebibiina by'obwa nakyewa ebisobola okuddabirira abantu abakozesa ebiragalalagala.
- i. Eno enkola egenda ku bunnyisa enjiri y'obuyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala era n'okuyamba okwongera okumannyisa abantu ku bikwata kunteekateeka y'abantu abakozesa ebiragalalagala.
- j. Tugaziye pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala twongeremu pulogulamu z'ebyenfuna okusobola okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala okufuna emirimu mwebajja ensimbi.
- k. Ebibiina nga bikulembedwamu UHRN bisaanye okukola okunoonyereza okumannya ebyetaago wamu nensonga ezabantu abakozesa ebiragalalagala mu biseera bya senyiga omukambwe bw'akyakidde.
- l. Twetaaga okunoonya obuyambi wamu n'okutuusa eddbozozi okusobola gavumenti yaffe okussa ensimbi mu pulogulamu eziyamba abantu abakozesa ebiragalalagala
- m. Twetaaga okuteekawo enkola enneyamba okuddukirira abantu abakozesa ebiragalalagala mu biseera eby'akatyaba gamba nga mu mbeera ya COVID-19.

ENYANJULA

Alipoota eno eturaga ebyava mu kunoonyereza ku nsako eteekebwa mu pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala. Okunonyereza kuno kwakolebwa ekitongole ekiitibwa Harm Reduction Network (UHRN) nga gwa teekebwa mu ensimbi ekitongole ekiyitibwa Harm Reduction International.

1.0 Gyenvudde w'okunonyereza kuno:

Okunonyereza kuno kwakolebwa ekitongole ekiitibwa Harm Reduction Network (UHRN) nga gwa teekebwa mu ensimbi ekitongole ekiyitibwa Harm Reduction International. Okunoonyereza kuno kwatunnulira ensimbi eziteekebwa mu pulogulamu ezenjawulo ezirubirirwa okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala. Okunoonyereza kuno kwattunnulira ku nsimbi mmeka eziteekebwa mu nkola y'okuwa abakoye okukozesa ebiragalalagala eddagala eriyitibwa MAT wamu empison`ebomba empya kuno nga kwossa neddaggala eritangira okussaasana kwa kawuka ka mukennenya. Okunoonyereza kuno kwattunnulira omwaka 2017-2019. Era ebyava mukunnonyereza kuno byali bayankizo nnyo okusinzirako okusaba obuyambi buteekewbe mu pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala. Kubanga COVID-19 yakkosa abantu bangi, okunoonyereza kuno nakwo kwattunnulira engeri COVID-19 gyeyakkosa mu ambeera z'abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda mu mwaka 2020.

COVID-19 yakosa nnyo enkola ezaali zassibwawo okuttusa obuyambi ku bakozesa ebiragalalagala gamba nga abo abawangaala n'akawuka ka mukennenya. Muno mwalimu okutaataganya ensiisira z'ebiyobulamu, kyoka nga n'amaddagala mu malwaliro nago gaafuuka ga kekwa anti nga essira balitadde ku COVID-19. Kino kyakosa nnyo abantu abakozesa ebiragalalagala. N'olwekyo ttusaba nti obuyambi mu by'obulamu eri abantu abakozesa ebiragalalagala busigale nga buttuusibwa wadde mu mbeera nga eya COVID-19. Kulw'obujjanjabi obwekwekwa, kyaviirako endwadde nga akawuka ka mukennenya, endwadde z'ekibumba wamu n'endwadde enddala nyongi.

Tulina okwongera okukola okunnonyereza butya COVID-19 gyakosezza mu embeera y'abantu abakozesa ebiragalalagala nga kino kyakutuyamba okutusa eddoboozi mu bakulembeeze baffe wamu n'abagabirizi b'obuyambi. Gavumenti ya Yuganda nayo essanye okussa ensimbi mu pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala.

Obuzibu obusinga obuneene mu kunoonyereza kuno nti ebitongole byanna ebifuna obuyambi bw'antu abakozesa ebiragalalagala, tebannyonyola bajeti zaabwe okusobola okuggyirayo omuntu ekifaananyi ku pulogulamu ki eteekebwamu ensimbi mu z'abantu abakozesa ebiragalalagala.

Ekigendererwa ky'okunnoonyereza kuno

Ekigenedererwa ky'okunnoonyereza kuno kyalikyakummanyaa ensimbi mmekka eziteekebwa mu pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda. Mubufunze okunoonyereza kwattunnulira bino wamanga;

- 1) Ensimbi ezateekebwa mu ddagala eriweebwa abantu abakozesa ebiragalalagala elya MAT, empiso n`ebomba wamu n`eddaggala eriweweza akawuka ka mukennenya, mu myaka 2017-2019.
- 2) N'onyereza ku bibiina ebikola pulogulamu za bantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda.
- 3) Okusomozebwa kwa pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala kulwa COVID-19.
- 4) Amagezi ki agasobola okuweebwa okusobola okuttumbula pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda.

Enkola eyayitbwamu okukola okunnonyereza kuno

1.6.1 Enkola gyetwayitamu mu kunoonyereza kuno

Nga tukola okunoonyereza kuno twattukirira abantu abengyawulo okuva mu bibiina ebigabirizi by'obuyambi wamu n'ebibiina by'obwa nakyewa ebyo ebikola emirimu egittusaako abakozesa ebiragalalagala obuyambi.

1.6.2 Enkola gyetwayitamu mu kunoonyereza kuno

Mu kunoonyereza kuno twakozesa enkola nnyingi okufuna ebikwata ku nsimbi eziteekebwa mu pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala. Era obubaka bwa gibwa mu bantu abenjawulo. Abantu basisinkanwa nga era nebawa obubaka ku kyebamanyi ku kuteeka ensimbi mu pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala. Twasoma ne biwandiiko ebyenjawulo era ne buttuwa obubaka obwenjawulo. Mu bitongole obwagibwamu obubaka obwenjawulo bye bino wamanga; Minisitule y`ebyobulamu, ekitongole ekikwasaganya emirimu gy'akawuka ka sirimu mu Yuganda ki Uganda.

Twkuba ne enkungana ez'enjawulo naye nga zino zigondera amateeka g`okusaasanya akawuka akaleeta COVID-19.

EBYAVA MU KUNOONYEREZA KUNO

2.1 Obubaka obwawamu

- 1) kyazuulibwa nti Yuganda erina eddwaliro limu erigaba MAT era nga eno y`aggulwawo mu **2020**
- 2) Abantu abafuna edagala lya MAT mu Yuganda mu mwaka 2020 baali **85**
- 3) Pologulamu yonna eya MAT kyazuulibwa nti eteekebwa mu ensimbi abagabirizi b`obuyambi era tewali buyambi bwonna buva mu gavumenti ya Yuganda

Mu bufunze yeno wamanga pulogulamu ya MAT mu Yuganda

| Ebikolebwa | Bisangibwa wa | 2017 | 2018 | 2019 |
|---|--------------------------|------------------------------|------------------------------|------------------------------|
| Abantu abateekebwa ku pulogulamu ya MAT mu Yuganda | Aw`okusanga obubaka buno | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna |
| Abantu abateekebwa ku pulogulamu ya MAT mu Yuganda | Aw`okusanga obubaka buno | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna |
| MAT weeri mu Yuganda | Aw`okusanga obubaka buno | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna |
| Obungi bw`ensimbi obuteekebwamu abagabirizi b`obuyambi okuva ebweru | Aw`okusanga obubaka buno | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna |
| Obungi bw`ensimbi obuteekebwamu abagabirizi b`obuyambi | Aw`okusanga obubaka buno | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna | Tetulina bubaka bwonna |

Tewaliwo nkola ya MAT mu Yuganda okuva mu mwaka 2017 paka 2019 mu Yuganda

Pulogulamu y`empiso ne bomba okuziwa abakozesa ebiragalalagala mu mpiso

| Items | Notes | 2017 | 2018 | 2019 |
|--|--|------|--|------|
| Obungi bwa amalwaliro agagaba empiso n`ebomba mu Yuganda | Alipoota ya UHRN eya o k u g a b a empiso mu Yuganda | - | 1 | - |
| Obungi bwa amalwaliro agagaba empiso n`ebomba mu Yuganda | Alipoota ya UHRN eya o k u g a b a empiso mu Yuganda | - | 120 | - |
| Obungi bwa amalwaliro agagaba empiso n`ebomba mu Yuganda | Alipoota ya UHRN eya o k u g a b a empiso mu Yuganda | - | Disitulikiti ya Kampala ne Wakiso | - |
| Obugabirizi obwava mu bagabi b`obuyambi okuva ebweru | | - | Kyazuulibwa nti abagabirizi b`obuyambi okuva ebweru b e e b a t e e k a ensimbi mu nkola eno boka | - |
| Specific donor spends (%) | | - | Kyazuulibwa nti abagabirizi b`obuyambi okuva ebweru b e e b a t e e k a ensimbi mu nkola eno boka | - |

2.2 Embeera y`abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda

Yuganda yafuna okunoonyereza okwa Yuganda yonna okwekuusa ku bungi bwabantu abakozesa ebiragalalagala nga bakozesa empiso. Nga obubaka buno bwava mu kunnonyereza okwakolebwa ebitongole nga Yunivasite ya Makerere ekwasaganya eby`obulamu, CDC wamu ne Crane Survey nd muno mw`otadde ne AMICAALL/ KCCA 2013 wamu n`ekitongole kya PLACE mu 2018.

Okunoonyereza ku kwakole mu 2019 era nga kwagata okunoonyereza kwonna okutonotono okuze kukolebwa mu Yuganda.

Ebyava mu kunoonyereza kuno mu bufunze

| Ekiti ky`bantu | Emyaka gyebagwamu | Obungi bwabwe | Obungi bwabwe | Lower bound | Upper bound |
|--|--|---------------|--------------------------|-------------|-------------|
| Abasajja abebaka ne basajja banaabwe | Abali mu myaka 15 okudda waggulu | 9,065,192 | 22,663 | 12,692 | 32,635 |
| Abakyala ban`ekolera ggyange | Abali mu myaka 15-49 | 8,748,881 | 130,359 | 50,744 | 210,849 |
| abantu abakozesa ebiragalalagala nga babiyisa mu mpiso | Abawala n`abalensi ab`emya 15 okudda waggulu | 18,388,692 | 7,356 (mu Yuganda yonna) | 1,839 | 11,034 |
| Abavubi | Abawala n`abalensi ab`emya 15 okudda waggulu | 18,388,692 | 731,870 | 176,532 | 1,289,048 |

Ensibuko y`obubaka buno: Alipoota ekwata kukunoonyereza okwakunganya obubaka obukwata kubantu abali mu katyabaga mu Yuganda, 2019

Obuyambi bw`eddaggala ly`akawuka k`amukkenenya eri abantu abakozesa ebiragalalagala mu mpiso

| Items | Notes | 2017 | 2018 | 2019 |
|--|--|-----------|-----------|-----------|
| Omuwendo gw`amalwaliro agagaba eddaggala eri weweza akawuka ka mukkennenya mu Yuganda | <u>Obubaka bunno bwagibwa mu:</u> USAID/Uganda Health Supply Chain Management Sciences for Health, Dec 2017 ne Alipoota ya ACP 2019 | 1,758 | 1830 | 1,832 |
| Omuwendo gw`abantu abawangaala n`akawuka ka mukkennenya mu Yuganda | <u>Obubaka bunno bwagibwa mu:</u> (DHIS2, 2017), UNAIDS 2019 HIV estimates, Epi-data 1990-2020: http://aidsinfo.unaids.org/ Uganda HIV/AIDS Country UAC: Progress Report July 2017-June 2018 | 1,070,761 | 1,140,550 | 1,169,066 |
| Omuwendo gw`abantu abalikuddagala eriweeweza akawuka ka mukkennenya mu Yuganda | <u>Obubaka bunno bwagibwa:</u> Key Population National Tracker by MOH, 2019 | 16 | 60 | 125 |
| Obungi bw`ensibi ezateekebwamu abagabirizi b`obuyambi | <u>Obubaka bunno bwagibwa:</u> <u>UAC (2018). Mid-Term Review of the National HIV and AIDS Strategic Plan (NSP) 2015/2016-2019/2020, Uganda AIDS Commission, Republic of Uganda</u> | | | 65 |

2.3 Ebifa ku bugabirizi bw`ensimbi mu pulogulamu y`abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda

Okunoonyereza kwalaga nti mu myaka essatu gyonna ensimbi ezateekebwu mu pulogulamu y`abantu abakozesa ebiragala zaava mu bagabirizi babuyambi okuva ebweru we ggwanga.

Mu mwaka 2019 omuwendo gwensimbi ezaddoola zaali **370,237.59 USD ate mu mwaka 2018, ensimbia zaali** (244,464.61USD) ate mu mwaka 2017 ensimbi zaali **(201,317.22 USD)** ezaateekebwu mu kuyamba abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda. Ensimbi ennyingi zaatekebwu mu mirimu gy`okuttuusa eddoboozi eri abafuzi okulaba nga bakiriza pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda, ensimbi era zateekebwu mu kwekebeza akawuka kamukkenenya, wamu n`okufuna eddagala eriweweza mukkennenya, ensimbi endala zateekebwu mu mirimu gy`okuttangira okusaasanya akawuka, okuggula obupiira buggali mpitawa, okusomesa abantu ku kawuka wamu n`okusomesa abantu ku mateeka. Abateeka mu ensimbi mu pulogulamu zino byebitongole nga CDC/USAID, Global Fund, Open Society East Africa ne Frontline AIDS. Ebibiina ebirala ebyateekamu ensimbi mwalimu MARPI, Mild May Uganda, Rakai Health Sciences and Harm Reduction Network (UHRN).

Okunoonyereza era kulaga nti gavumenti ya Yuganda teyateeka nsimbi zonna mu pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala mu mwaka 2019.

Obubaka obukwaka ku pulogulamu z`obuyambi eri abntu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda mu mwaka 2019.

| Obubaka gyebusimbudwa | Ebibiina ebigaba obuyambi mu Yunganada | 2017 | 2018 | 2019 | Funding proportion |
|--|--|--------------------|--------------------|----------------------|--------------------|
| Ebibiina ebigabirizi by`obuyambi | | | | | 100% |
| Frontline AIDS-PITCH Project | UHRN | 113,576,644 | 91,892,322 | 226,271,749 | |
| Frontline AIDS-PITCH Project-National Coordination | RHU- Host Organization | 250,000,000 | 250,000,000 | 250,000,000 | |
| Global Fund | UHRN | 272,870,422 | 228,056,570 | 117,422,362 | |
| Global Fund | MARPI | 0 | 44,160,000 | 230,376,000 | |
| OSEIA | UHRN | 101,159,689 | 281,585,687 | 175,670,149 | |
| CDC | Infectious Disease Institute (IDI) | | | 243,734,897 | |
| CDC | Rakai Health Sciences | | | 26,225,676 | |
| CDC | Mild May | | | 86,813,720 | |
| Government of Uganda | MOH | In-Kind | In-Kind | In-kind | Nil |
| Omuwendo gwnna mu za Yuganda - | | 737,606,755 | 895,694,579 | 1,356,514,553 | |
| Omuwendo gwnna mu ddoola | | 204,891 | 248,804 | 376810 | |

Alipoota z`ebyensimbi mu mwaka 2019.

Okunoonyereza kwalaga nti ensimbi zikyali z'amunyotto eziteekebwa mu pulogulamu eziriwo okutuusa obuyambi ku bantu abakozesa ebiragalalagala. Mu Yuganda mu limu ebifo musanvu byoka abantu abakozesa ebiragalalagala webakunganira okufuna obuyambi. Obuyambi obwempiso wamu ne MAT buli mu Kampala ne Wakiso woka. Tewaliwo nkola yonna abantu abakozesa ebiragalalagala gyabayitamu okwekulakulannya mu mbeera y'ensimbi

Yuganda efunye obuyambi okuva mu mikagao n'ebitongole ebyenjawulo, gamba nga; Gavument ya America (USG), DFID, IRISH AID, DANIDA, SIDA, banka yendi yonna, IGAD, ekitongole kya mawanga amagatte, Global Fund to Fight AIDS. Ebibiina bino biteeka ensimbi zino mu nsawo ya gavumenti oba okuweera ddala ebitongole.

Gavument ya Yuganda teteeka nga mu nsimbi mu pulogulamu zino. Naye gavumenti ya Yuganda, yayamba mu kufuna ekiwandiiko ekilambulukufu ekiraga emirimu egyekuusa mu kuwa obuyambi abantu abakozesa ebiragalalagala.

Yuganda Terina nteekateeka namutayika ekwata ku pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala. Kyoka mu nteekateeka namutayika ey'omwaka 2020/21-2024/25 eyogera kubantu abakozesa ebiragalagala nga bakozesa empiso. Ezimu ku nkola ezalagirwa okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala mwemuli okwekebeza akawuka ka mukkenenya, eddagala eriweeweza ku kawuka ka mukkenenya, okujjanjaba endwadde z'obukaba, okugaba obupiira bugala mpitawa, okusomesa abantu ku kawuka ka mukkennenya, ebya mateeka wamu n'okubudabuda abantu. Enteekateeka namutayika eya kawuka ka mukkenenya teriana pulogulamu ezitunnulidde ddala abantu abakozesa ebiragalalagala naye eyogera ku bantu abawangaala n'akawuka kamukkennenya.

Enteekateeka namutayika eya Yuganda ku kawuka ka mukkenenya teraga biki ebirina okukolebwa mu kuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala okwekuuma sirimu

2.4 obuyambi bwa pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala gye buva

Okusinzira ku kunoonyereza okwakolebwa wamu ne alipoota ezakolebwa mukunoonyereza ku bantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda, bino wamanga mu bufunze byebyazuulibwa ebikwata ku pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda.

- a. Enkola y'okufuna empiso ne bomba empya eri mu kampala ne Wakiso wokka
- b. Okufuna eddagala lya MAT liri mu kampala ne Wakiso wokka
- c. Okuggyako omusayi gwa kawuka ka mukkenenya kuli mu bifo ebyateegekerwa okukunganira mu abakozesa ebidagaladagalabyebayita DiC
- d. Empekke z'amukkenenya ziri mu bifo byoka ebyakirizibwa minisitule y'ebiyobulamu
- e. Eddagala ly'endwadde z'obukaba nalyo ligabibwa mu DiC
- f. Obupiira bugala mpitawa nabwo bugabibwa mu DiC
- g. Okusomesewa ku kawuka akaleeta mukkenenya nakwo kukolebwa mu DiC
- h. Eddagala eriyamba ku muntu nga akubidwa nnyo liri mu Kampala ne Wakiso woka
- i. okuwa obuyambi bwa mateeka kikolebwa abantu abasomesewa HRAPF amateeka

Availability of Harm reduction Services in 2019

| Obuyambi | Alipoota | okunyonnyola | 2019 |
|--|--------------------------|------------------------------------|--------|
| Enkola y`okufuna empiso ne bomba empya (NSP) | Alipoota ya UHRN 2019, | Eri mu Kampala ne Wakiso | 120 |
| Eddagala lyabo abagala okukendeeza okukozesa ebiragalalagala (MAT) | | Tewali alipoota mu 2019 | |
| Okuggyako omusayi gwa kawuka ka mukkenenya | Omukutu gwa - KP Trucker | Ebunye wonna | 2600 |
| Empekke z'amukkenenya | KP Trucker | Ebunye wonna | 89 |
| Eddagala ly`endwadde z`obukaba | KP Trucker | Ebunye mu Yuganda wonna | 2600 |
| Obupiira bugala mpitawa | KP Trucker | Ebunye wonna | 125000 |
| Okusomesebwa ku kawuka akaleeta mukkenenya | KP Trucker | Enkola weri naye nga tebunye wonna | 6000 |
| Eddagala eriyamba ku muntu nga akubidwa | | Obuyambi tebwaliwo mu 2019 | 0 |
| okuwa obuyambi bwa mateeka | KP Trucker | Ebunye mu Yuganda wonna | 1023 |
| Okubudabuda abakozesa ebiragalalagala | KP Trucker | Ebunye mu Yuganda wonna | 2600 |

Source: alipoota ya UHRN, 2019

Okunonyereza kulaga nti wadde nga pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala zibunye mu Yuagnada, naye obyambi obumu nga obw`okuwa empiso ne bomba wamu n`edagala eriyamba abakozesa ebiragalalagala singa babeera bannyedde ekisukiridde tezibunyye mu Yuganda yonna.

Pulogulamu ezo zonna ezimennedywa waggulu ziteekebwa mu ensimbi aba CDC, USAID, Global Fund, ebitongole ebirala nga Open Society East Africa, Frontline AIDS, wamu ne Harm Reduction International.

Mu mwaka gwa 2019, enkola y`okugabira empiso ne

bomba yateekebwa mu obukadde 64 eza Yuganda nga we dola 17,000 USD nga zino zaatekebwa mu OSIEA. Omwaka gunno okugguba empiso ne bomba tebyateekebwa mu nsimbi zonna.

Tewaliwo nsimbi zonna ezateekakebwa mu daggala eriyamba abo abakoye okukozesa ebiragalalagala mu mwaka 2019. Tewali wo kunoonyereza kwonna okwakolebwa mu 2019 okwekuusa ku daggala lya kawuka ka mukkenenya.

Tewaliwona alipootayonna eragansimbie ziteekebwa wo nga ensawo enzibizi okuddukirira ebyo ebigwa tebiraze ku bantu abakozesa ebiragalalagala.

Ensimbi ezassibwa mu Kawuka ka mukkenenya mu 2019

| Ebyassibwa mu ensimbi | Ebitundutundu (%) |
|--|-------------------|
| Okutangira akawuka ka mukkenenya | 7.0 |
| Obujjanjabi bwa mukennenya | 87 |
| Okusasula abakozi abatuusa obuyambi ku bantu abakozesa ebiragalagala | 6.0 |
| Obuyambi bw`okuttangira | 16.3 |
| Obuyambi b`okubudabuda | 11.7 |
| Obujjanjabi | 63.5 |
| Obubaka | 2.2 |
| Okutumbula omutindo gw`entambula y`ebyobulamu | 1.9 |
| Obukulembeza n`entabula yemirimu | 4.4 |
| Global Fund | |
| Okutangira okusaasanya akawuka | 0 |
| obujjanjabi | 79.6 |
| Eby`okunonyereza | 032 |
| Okutumbula omutindo gw`entambula y`ebyobulamu | 2.9 |
| Obukulembeza n`entabula yemirimu | 17.2 |

Bigidwa mu: kitongole ekigatta emirimu gy`okulwanyisa akawuka ka mukkenenya ki Uganda AIDS Commission (2019), wam n`okago gu Annual Joint AIDS Review (JAR), 2019

Okulwanyisa akawuka ka sirimu kwateekebwa mu ensimbi ebitundu 7 ku kikumi era nga kino kyakolebwa ekitongole kya Global Fund

Okunoonyereza era kwalaga nti tewali pulogulamu z`abantu abakozesa ebiragalalagala mu makkomera wewaawo waliyo abantu bangi abakozesa ebiragalalagala. Era eby`obulamu ebiriwo bikulirwa ekitongole kya gavumenti ki Directorate of Health Services in Prisons wamu ne minisitiule y`ebyobulamu

2.5 okusomozebwa okuli mu pulogulamu eziyamba abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda

Okunoonyereza kulaga nti wabadde wo enkyukakyuka mu bantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda mu myaka 3 egiyise kulwa pulogulamu oba obujanjabo bwa bantu abakozesa ebiragalalagala. Okugeza mu mwaka 2017, UHRN yatandika wo pulogulamu y'okugaba empiso n'ebomba empya eri abakozesa.

Okunonyereza okwakolebwa ekitongole ekiyitibwa Community Health Uganda, kyalaga nti kwalaga nti edagala eriyitibwa heroin ryerisinga okukolebwa era nga kuno(44.8%) okunnywa cocaine kukola ebitundu (16%) bino byebyasinga okukozesebwa mu Kampala ne Mbale okusinziira mu kunoonyereza okwakolebwa mu 2017 e Mbale ne Kampala, Uganda. Kubanga okunonyereza okukyakoleddwa kutono eri abakozesa ebiragalalagala, okunoonyereza kuno tekwasobola kummanyia abantu bammeka abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda. Tukyetaaga okukola yo okunoonyereza nga kukwata ku ku mpisa y'abantu abakozesa ebiragalalagala. .

Okunoonyereza kulaze nti ensimbi ezigenda mu pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala ziteekebwamu abavugirizi b'obuyambi okuva ebweru. Gavumenti ya Yuganda Terina nsimbi zeyali etadde mu pulogulamu zino.

Ensonga y'okubeera nga gavumenti etteeka mu bajeti ntono mu pulogulamu eziyamba abakozesa ebiragalalagala kivudde kubeera nga, gavument ekya Twala abantu abakozesa ebiragalalagala nga abazzi b'emisango.

Okusosolebwa nakwo kukyerisa nkuuli eri abantu abakozesa ebiragalalagala okuva mu bitongole wamu n'abantu abenjawulo. Era eno yemu kunsonga ereetedde okubeera nga pulogulamu zino ziteekebwamu ensimbi ntono.

Ensibi ezigenda mukunonyereza nazo ntono nnyo.

Weewayo gavumenti nga eyita mu kitongole kyayo ekya minisitule yebyo bulamu, yayamba okuteekawo ekiwandiiko okulugamya emirimu egigenderedde mu okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala, naye ebitundu bya Yuagnad ebisinga tebinaba kutuukibwako buyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala.

Okugonjoola embeera y'ensimbi entono eziteekebwa mu pulogulamu za bantu abakozesa ebiragalalagala nga pulogulamu ya MAT ne NSP, tuteekedwa okuyongera okunyitiza engiri eri abakulembeze, amatuteerawo amateeka nga tuyitira mwabo abafuna eda engiri. Kubanga tulina ekitongole ekigata abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yugunda, kisaana okukulembera enjiri y'okubunyisa obuyambi bw'abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda. Tusaana era okukozeesa alipoota ezivudde mukunonyereza okusobola okutuukirira abantu abenjawulo ku nsong eno.

Kulw'okutuusa eddbozi nga tukozesa alipoota eiva mukunonyereza okwenjawulo, ebitongole nga PEPFAR ne Global Fund bisobodde okwongera obuyambi mu pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala.

Mu nteekateeka namutayika eya minisitule y'ebiyobula kilambikidwa bulungi nti tulina okussa essira ku pulogulamu eziyamba abakozesa ebiragalalalagala mu myaka gino ettano. Okuteeka pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala mu global fund nakyo ky'oleka nti nti gavumenti egenda eyanniriza pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala. Wadde nga abantu abakozesa ebiragalalagala tebali ku bukulembeze bwa CCM, bakikiridwa abantu abaggwa mu kowa ly'abantu abalina akatyabaga k'okufuna akawuka ka mu

kennenya. Minisitule y'ebiyobulamu nayo evuddeyo n'ekola ekiwandiiko ekirambulula butya emitendera egirina okuyitwamu okukola okutuusa obuyambi ku bantu abakozesa ebiragalalagala. Ekyembi nti ebiwandiiko bino tebirinaako bajeti. Ekiwandiiko eky'ekuusa ku ndwadde z'obwongo kyoka nga kyekirambise obulungi butya abantu abakozesa ebiragalalagala bwebalina okukwatibwa tekyateekebwako bajeti.

Mu bufunze okuteeka ensimbi mu pulogulamu eziriwo okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda tekunafuna teeka likufuga. Mu Yuganda abantu abakozesa ebiragalalagala beesigamye ku bibiina by'obwanakyewa wamu n'ebibiina by'obwananyini. Kino kyalambikibwa bulungi mu kunoonyereza okwakolebwa mu Kampala

ne Mbale mu mwaka, 2017). Tulina okukozesa omukisa guno eri ebibiina eby'obwanakyewa n'ebiina by'obwananyini okusobola okutuuka okutuuka ku bantu abakozesa ebiragalalagala.

Wewawo okuteeka ensimbi mu pulogulamu eziyamba abantu abakozesa ebiragalalagala z'eyongedde, kino tekedwamu omukono abagabirizi b'obuyambi bokka okuva ebweru. Gavumenti pulogulamu eno tenagiteekamu nsimbi yonna. Tewanaba wo kunoonyereza kwali kukoledwa ku bantu bammeka abawala n'abalenzi abakozesa ebiragalalagala. Kino kikoseza nnyo okutuusa eddoboozi mu bakulembeze abenjawulo nga ttusaba obuyambi oba n'okusaba okukyusa amateeka agakwasisa abantu abakozesa ebiragalalagala.

EKITUNDU EKY`OKUSATU:

ENGERI COVID-19 GYEYAKOSA MU OKUTTUUSA OBUYAMBI KU BANTU ABAKOZESA EBIRAGALALAGALA

3.0: Bino wansi bitutotolera engeri COVID-19 gyeyakosa mu okuttusa obuyambi ku bantu abakozesa ebiragalalagala

3.1 Okusomozebwakukutuusa obujanjabiku bantu abakozesa ebiragalalagala:

Mu kiseera eky`omugalo

| Emirimu | Entandikwa y`omuggalo | En komerero y`omuggalo | O m u g g a l o guddamu |
|----------------------------|--|------------------------|-------------------------|
| Omuggalo mu kibuga | 25 th March | 28 th June | NA |
| Omuggalo mu yafisi ya UHRN | 24 th March | 30 th June | NA |
| UHRN services | | | |
| Obuyambi eri gavumenti | Gavumenti Terina kyeyawa eri abantu abakozesa ebiragalalagala | | |

Ebyo waggulu biraga ebiseera by`omuggalo mu Yuganda. **Gavumenti Terina kyeyawa eri abantu abakozesa ebiragalalagala** mu kiseera ky`omuggalo.

Omuwendo gw`abantu abakozesa ebiragalalagala abafuna obuyambi bwa NSP, MAT, eddagala ly`akafuba nelya mukennenya mu biseera by`omuggalo mu Covid-19

| Variable | January | February | March | April | May | June | July | Obubaka mwe buva |
|---|---------------------|-----------|------------|----------|------------|-------------|-------------|-----------------------|
| Omuwendo gw`abantu abafuna empiso (NSP) | 0 | 0 | 0 | 0 | 48 | 88 | 134 | Alipoota ya UHRN 2020 |
| Omuwendo gw`abantu abafuna eddagala ly'a MAT | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | |
| Omuwendo gw`abantu abafuna abakozesa empiso nga baafuna eddagala eriweweza sirimu | Temanyikidwa | ‘nk’ | ‘nk’ | ‘nk’ | ‘nk’ | ‘nk’ | ‘nk’ | |
| Omuwendo gw`empiso ogwagabwa | | | | | 864 | 2112 | 3216 | Alipoota ya UHRN 2020 |
| Omuwendo gw`abantu abakebererwa akawuka ka mukkenenya | 53 | 87 | 101 | 5 | 3 | 10 | 11 | KP National Trucker |
| Omuwendo gw`abantu abakeberebwa akafuba | 4 | 3 | 2 | 1 | 3 | 4 | 3 | KP National Trucker |
| Omuwendo gw`abantu abafuna arizaati zaabwe oluvannyuma lw`okukeberebwa | 53 | 87 | 101 | 5 | 3 | 10 | 11 | KP National Trucker |
| Omuwendo gw`abantu abali ku MAT abafuna eddagala eriweeweza akawuka ka sirimu | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | |

| | | | | | | | | |
|--|-----------|-----------|-----------|-----------|-----------|-----------|-----------|--------------------------------|
| Abantu abawaba nti bakozesa empiso emu kirindi | 54 | 66 | 44 | 32 | 12 | 9 | 6 | Alipoota ya UHRN eya NSP 2020) |
| Omuwendo gw`abantu abakozesa ebiragala nebayitirayo nga beetaaga buyambi | 13 | 27 | 15 | 06 | 02 | 09 | 11 | Alipoota ya UHRN eya NSP 2020) |

Okunonyereza kulaga nti empiso ezasinga obungi z`agabibwa mu biseera by`omwezi gw`omukaaga n`ogwomusantu. Kino kyava lwakuba nga omugalo gwalai gukendedde okusobozesa abantu okukozesa entambula ezenjawulo. Tewaliwo mpiso zagabibwa mu kiseera ky`omuggalo.

Omuwendo gw`abantu abakozesa ebiragalalagala abeekebeza COVID-19

| Omuwendo gw`abantu | January | February | March | April | May | June | July |
|--|----------|----------|----------|-----------|-----------|-----------|-----------|
| Abantu abakozesa ebiragalalagala abateekebwa mu karantini nga tebanaba kubakebera COVID-19 | 0 | 0 | 0 | 16 | 19 | 34 | 11 |
| Abantu abakozesa ebiragalalagala abakeberebwa COVID | 0 | 0 | 0 | 12 | 09 | 17 | 06 |
| Abantu abakozesa ebiragalalagala abazuulibwa nga balina COVID | 0 | 0 | 0 | 3 | 4 | 7 | 2 |
| Abantu abakozesa ebiragalalagala abaafa COVID | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 |
| Abantu abakozesa ebiragalalagala abateekebwa mu karantini nga bamaze okubakebera COVID-19 | 0 | 0 | 0 | 2 | 1 | 5 | 2 |

Alipoota ya baddukanya ebyamateeka mu bantu abakozesa ebiragalalagala 2020

Abantu abakozesa ebiragalalagala bateekebwa mu karantini olwa COVID-19 era abamu bakeberebwa COVID-19. Abasinga bateekebwa mu karantini mu mwezi gw`okuna, ogw`okutano, ogw`omukaaga nga tebanaba kubakebera COVID-19.

Omuggalo, obukambwe bwa poliisi okusobola okuggusa amateeka ga COVID-19 wamu n`okuggala entambula yonna byaleeta wo okuddirira mu kufuna obuyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala,

Okusaasanya okwatukibwako mu biseera by`omuggalo

| Ekibuuzo | January | February | March | April | May | June | July |
|--------------------------------|------------|------------|------------|------------|-------------|------------|-------------|
| Okusaasanya ku bakozi | 31,840,150 | 31,840,150 | 31,840,150 | 31,840,150 | 31,840,150 | 31,840,150 | 31,840,150 |
| Okusaasanya ku kusomesewa | 25,247,000 | 53,789,000 | 23,096,500 | 12,945,000 | 84,502,000 | 40,248,000 | 58,438,000 |
| Okusaasanya ku ntambula | 0 | 0 | 0 | 300,000 | 0 | 0 | 300,000 |
| Okupangisa office | 13,000,000 | 900,000 | 0 | 2,000,000 | 0 | 0 | 10,000,000 |
| Okusaanya kubya office ebirala | 3,589,800 | 1,275,492 | 10,512,488 | 256,642 | 1,250,099 | 2,021,639 | 2,689,900 |
| Okusaasanya ku ddagala | 0 | 0 | 0 | 0 | 0 | | 0 |
| Omuwendo gw`amu | 73,676,950 | 87,804,642 | 65,449,138 | 47,344,792 | 117,592,249 | 74,109,789 | 103,268,050 |

Waliwo okweyongerako kunsaasanya kuby`okusomesewa mu mwezi gw`okutaano ogw`omukaaga n`ogwomusanvu. Kino nga kyaleetebwa amateeka ga COVID-19.

3.2 Okusoomozebwa kw`ensasanya ku buyambi bw`ebyobulamu eri abantu abakozesa ebiragalalagala

3.2.1 Okusoomozebwa mu kufuna obuyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala

Okunoonyereza okuvudde mu bantu abenjawulo kulaga nga waliwo okutaataganyizibwa mu mpeereza y`ebyobulamu eri abantu abakozesa ebiragalalagala olwa COVID-19, kyoka kino tekyakosa bakozesa biragalalagala byoka naye abantu bona.

Waliwo okutaataganyizibwa mu kufuna obujjanjabi bwendwadde z`ebyobukaba, obuyambi bw`okulwanyisa akawuka akaleeta mukennenya. Bino byonna byaleetebwa kubantu enzijjanjaba eyali ettuusa obuyambi eria abantu gyebawangaalira yaggalawo. Olw`embeera eno abantu baddirira okummira eddaga kubanga baali tebasobola kutambula kuttuuka mu malwaliro.

“okujja kw`abalwadde okufuna eddegala wano ku kiriniki kw`akendeera mu mwezi ogw`okusatu n`ogwo mukaaga ku lwomuggalo Naye kati tulaba nti kati abalwadde abaggya okufuna obuyambi mu dwaliro beyongera mu mwezi gw`omusanvu 2020.” Buno obubaka bwava w`omu ku beetaba mu ku noonyereza kuno”.

COVID-19 n'omuggalo byaleetawo ebbula ly'byobulamu nga obupiira bugalimpita wa, eby'okwekebeza akawuka ka mukkenenya, eddagala ely'ekizaala gumba n'ebintu ebirala bingi.

Okutyobola eddembe ly'obutu byayitirira mu kissera eky'omuggalo muno nga mwemwali okukwattibwa wamu n'okugalibwa kwa bantu abakozesa ebiragalalagala mu nkomyo. Kino nga kyakolebwa abakuma ddembe

"mu kiseera ky'omuggalo abalenzi n`abawala abakozesa ebiragalalagala bakwatibwa era nebagalirwa abakuuma ddembe mu mbeera ey'okwaggala okuteekawo eteeka ery'okutangira okusaasanya akawuka ka COVID-19 ...abantu baffe tebaafuna nga buyambi bwebetaaga kyoka nga yo poliisi eyongera ku basiba nqkubggaliray." Omwana wa getto attotola embeera.

"Twafuna ensonga z`abantu abakoseddwu emitwe eri abantu abakozesa ebiragalalagala ku lw`omuggalo era n`okuba nti baali tebasobola kutambula kutuuka mu geto okwetaasa". Omu ku bagabirizi b`obuyambi attottola.

Okunoonyereza era kulaga nti o=eby'obulamu byakyala byafuuksira ddala bya kekwa mu kissera ky'omuggalo. Enkola y'okutuusa obujanjabu mu bantu yali eyambye okusembe za obuyambi obwenjawulo mu bantu naye omuggalo gwakosa enkola eno nga tewali buyambi butuuka eri abakyala abakozesa ebiragalalagala.

"Olw`okuba nga mukiseera kino okutyobola eddembe ly`abakyala kwayitirira, tekyasobolwa kuyamba bakyala bano kuvvunnu ka kizibu kino, era ensonga nnyingi ez`okuvvola abakyala ezitaatwalibwa mu mbuga z`amateeka." Omu kubakuleeze babantu abakozesa ebiragalalagala attotola

Emisango egiali mu kooti egya bantu abakozesa ebiragalalagala gy`akandaalirira mu kooti olwa mbeera ya COVID-19. Kino kyaleetera wo okusibwa kw`abantu abakozesa ebiragalalagala ebiseera ebiwanvu mu makomera.

Mu biseera by`omuggalo olwa COVID-19 bwebyabeererawo, abantu abakozesa ebiragalalagala balemererwa okutuuka mu bifo ebibudaabudurwamu abantu abakosedwa okukozesa ebiragalalagala. Abantu abakozesa ebiragalalagala baasosolebwa nnyo mu biseera by`omuggalo olw`abantu baabwe okubalaba nga abazzi b`emisango.

3.2.2 Okusoomozebwa kw'ensasanya ku buyambi bw'ebiyobulamu eri abantu abakozesa ebiragalalagala

Abagabirizi b`obuyambi batusaba okukyusa ensengeka y'emirimu ggyaffe eri abantu abantu abakozesa ebiragalalagala. Okugeza enkungana zagibwawo negisikisibwa okukunganira ku mitimbagano/ yintanenti. Abamu ku bagabirizi

b`obuyambi gamba nga Global Fund ne UNAIDS bawayo ku nsimbi ezzayamba okuggulira abantu abakozesa ebiragalalagala emmere wamu n`ebiyobuyonjo.

3.3 Ebintu ebyateekebwa wo okulaba nga obuyambi busigala butuuka ku bantu abakozesa ebiragalalagala.

Olw`ebizibu ebyaleetebwa COVID-19 ebibiina ebiyamba abantu abakozesa ebiragalalagala byakyusa enkola y'emirimu. Okugeza baasalawo okusisinkana nga abantu abakozesa ebiragalalagala mu bubinja obutono nga bagobeerera amateeka g`okutangira COVID-19. Aba UHRN era b`agenda mu maaso n`okulondoola nga embeera ettusibwa ku bantu abakozesa ebiragalalagala.

UHRN yakola okunoonyereza ku butya ekirwadde kya COVID-19 bwe kyakosa abantu abakozesa ebiragalalagala¹. UHRN yasaba obuyambi okuva

mu Global Fund era nebasobola okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala 450 people eby'okulya. Ekibiina kya UNAIDS nga kiyita mu kibiina kya National Forum for People Living with HIV ekigatta abawangaala n`akawua ka mukennenya mu Uganda nabo baasobora okuwa yo ebintu eby'okutumbula eby`obuyonjo mu bantu abakozesa ebiragalalagala muno mwemwali sabuuni, jik ne n`obukoola bw`okumumwa (mask). Embeera y`omuggalo yaleetera abo abaalina obulimu bw`okuggyamu akasente okubufirwa.

3.4 Engeri abantu abakozesa ebiragalalagala gyebenyigira mu bibiina okulondoola amateeka okwekuuma COVID-19

Nga bakulembedwa ekibiina kya UHRN, batonda wo akakiiko akatono akabakugu nga munno mwalimu bannamateeka, abasawa wamu n`abantu abakozesa ebiragalalagala. Kano akakiiko kalondoola nga ensonga ez`enjawulo nga okuvvola eddembe lya`abantu abakozesa ebiragalalagala. Akakiiko katuukirira nga bantu abakozesa ebiragalalagala nga bakozesa okukuba amasimu.

Kyoka wewaawo gavumenti yateekawo akakiiko

akalondoola embeera ya COVID-19, kano akakiiko tekaliko mu kiise yena okuva mu bantu abakozesa ebiragalalagala .

Okukendeeza ku mbeera embi eri abantu abakozesa ebiragalalagala, kano akakiiko akateekebwao katuukiriranga ebitongole ebyenjawulo gamba nga ebya bakooma ddembe okusobola okuteesa ku tulugunnya okuva eri polisi ku bantu abakozesa ebiragalalagala.

3.5 Ebibiina eby`ennyigira mu ku Iwanirira eddembe ly`abantu abakozesa ebiragalalagala

Ebibiina ebigabirizi by`obuyambi okuva wabweru w`eggwanga nga kuno osizaako ebibiina mu Yuganda byali bya nkizo nnyo mu kuyamba abantu abantu abakozesa ebiragalalagala. Bano bawaayo emmemre wamu n`ebyobuyonjo. Mu bagabirizi b`obuyambi

mwalimu ebibiina nga; Global Fund, UNAIDS nga eyita mu kibina kya National Forum for People living with HIV Networks, ARASA, Open Society East Africa, wamu ne FRONTLINE AIDS.

3.6 Engeri COVID-19 gyeyakosa mu abakozi

Okunoonyereza kuno kwalaga nga enkyukakyuka nnyingi yaggyawo olwa COVID-19. Abakozi basalawo okukolera ku mutimbagano, okwambala mask, okukozesa amazzi aganaaba mu ngalo mu ofisi zabwe, okukozesa sabuuni wamu ne sanitiza. Abantu abakozesa ebiragalalagala bateekebwa mu karantini wamu nemumakomera kyoka nga tewaliyo na bujanjabi gamba nga obwa MAT. Era mu bifo bino batwalibwanga wamu nga abantu abalala bona.

okutwala eddagala abantu mu bifo byabwe gyebawangaalira wamu n`okukebera abantu nga basangibwa mu bifo byabwe. Bapiya basomesebwba okusobola okutuukirira bannabwe n`okubatuusaako ebyetaago, gamba nga eddagala ly`akawuka ka mukenenya wamu n`eddagala ly`ekizaala gumba.

Ba piya bona basomesebwba engeri obulwadde bwa COVID-19 gyebuggyamu wamu n`obonero. Kino kyakolebwa okuyamba bapiya okwanguyira abo ababa bazuulidwamu n`obonero obwa COVID-19. Abasawo nabo baakyusa enkola yabwe okusobola okutuusa obuyambi ku bantu. Munkola gye bagunjawo mwalimu okujjanjabira ku simu/ kumutimbagano,

Abakozi bakosebwa nnyo olwokuba nti abantu abamu emitala wa Mayanja essawa zaali tezikwatagana nga mukino omuntu kya muleetera okwebaka nga buyise ku banga baali nga ku mirimu egya yintantenti. Mu mbeera eno abangi bafuna situreesi. Kyoka bafuuna okbuulirirwa okuva mu bakugu abenjawulo okusobola okusigala nga baddukannya emirimu ggyabwe.

3.7 Ebintu eby`asabibwa okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala okuvunnuka embeera ya COVID-19

Mu bintu ebyayogerwako nga bisobola okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala okuvunnuka embeera ya COVID-19 mwemwali okuweebwa ensimbi z`entandikwa beetandikirewo bubizinensi obutonotono, okutandika wo emirimu egyivaamu ensimbi, abakozi

okubongerako obuyambi olw`ebeera y`entambula okukalamuka wamu n`okuteekawo enteekateeka eneyamba abakozi okusigaza emirimu ggyabwe wewawo mu mbeera ya COVID-19.

Ebintu Ebikulu Ebirina Okuteekebwa Mu Nkola

Okunoonyereza kuno kulaze nti wabadde wo okulinnya mu buyambi obwateekebwa mu pulogulamu z'okuyamba abantu abakozesa ebiragalalagala mu myaka esatu. Kyoka embeera ya COVID-19 eretedde okuddirira nga ebisinga ebyali bitukidwako bidiridde.

Olw`ensonga eyo waggulu bino wansi byebya sabibwa okukolebwa okusobola okuvvunuka embeera eno:

1. Gavumenti ya Yuganda okwaniriza pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala era n'okuziteeka mu nteekateeka zaayo zinamutayika. Mu kino mulina okubamu okukendeeza ku kwatibwa kwa bantu abakozesa ebiragalalagala eri abakooma ddembe. Gavumenti okuteeka obuyambi mu pulogulamu nga eza MAT wamu n'okugaba empiso.
2. Twetaaga okukola yo okunoonyereza mu mateeka era n'okugasunsula okusobola okujjamu ago agalumya abantu abakozesa ebiragalalagala
3. Twetaaga okwongera okutuusa eddoboobi gavumenti essobole okuteekako omukono ku teeka lyabantu abalina obukosefu ku mitwe eriyitibwa “national mental health policy”
4. Twetaaga okukola okunoonyereza n'okukola alipoota ennambulukufu nga erimu ebintu ebisunsudwa obulungi ku byetaago eri abantu abakozesa ebiragalalagala. Mu kino kijja kutuyamba okutuusa eddoboobi ku bekikwatako.
5. Wetagibwa okukolebwayo okunoonyereza nga nsimbi eziteekedwawo nga ensawo enzibizi ku mbeera yonna eggawawo eri abantu abakozesa ebiragalalagala mu Yuganda.
6. Twetaaga okwongeramu amanyi mu UHRN okusobola okukwanaganya ebiibina ebikola emirimu egituusaako obuyambi abantu abakozesa ebiragalalagala.
7. Twetaaga okwongera okusomesa abakooma ddembe wamu n'abantu gyetuwanagaalira, okubasomesa amateeka wamu n'ebietaago mu by'obulamu eri abantu abakozesa ebiragalalagala.
8. Twetaaga okwongera okukola emikago wakati w'ebibiina by'obwanakyewa wamu negavumenti okusobola okutuusa eddoboobi ku pulogulamu z'abantu abakozesa ebiragalalagala..
9. Twetaaga okuteeka obuyambi mu pulogulamu nga ez'okutandika wo bu bizinensi obutono okusobola abantu abakozesa ebiragalalagala okwenyigira mu mirimu egivaamu ensimbi.
10. UHRN yetaaga okukola yo okunoonyereza okusobola okumanya ebizibu eri abantu abakozesa ebiragalalagala nga bino by'ekuusa ku COVID-19. Mu kunonyereza kuno kinnatuyamba n'okumanya eby'etaago eri abantu abakozesa ebiragalalagala.
11. Tulina okutondawo ensawo eyamba ku ku buyambi eri abantu abakozesa ebiragalalagala tuleme ku ttunnulira bibiina bya mawanga g'ebweru goka.
12. Tulina okukola enteekateeka namutayika nga erambulula ebirina okukolebwa okuvvunuka ebizibu ebiretedwa COVID-19 eri abantu abakozesa ebiragalalagala.

